Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie
Posted by Ancient - 2008/01/12 22:40

Julie Bakulu - Mumusonyiwe (Maama n'e Taata)

Abafubibwa ku mawanga ffe ngatuyiga ebyabwe.....ono omukyala gwali musango gwe obutatendekka musajja. Job Paul Kafeero yaleeta omukazi na musiiba busuutu ngate AFUKAMILA NE TOOKE NGA ALYA..yali mwana wamuzungu naye..ono omusajja we Bermuda island?

Any way the video is hilarious! Well done Julie

I AM A STRONG SUPPORTER OF OBAMA

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie
Posted by Meli - 2008/01/13 13:49

---

http://www.youtube.com/watch?v=a5-qDd_POSk

Atannalulaba yerolere!!

Bannange Ancient luno oluyimba lwogereko. Naye ekikopo lwetaaga kufuna kya muntu asinga okwogera byatamanyi. Omuntu okulya chocolate ne sweet wa kati yekka eyo ebeera diet style ki? Alowooza abazungu bwebatyo bwebali, lwaki tabuuza oba tamanyi? Lwaki ayimba byatamanyi ebiswaaza? Yye oyo omweeru omuyaaye bamujja wa?

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie
Posted by Meli - 2008/01/13 15:12

Kyaava avvunula Julie nti : Mum & dad forgive him. The Man I got doesn't know in-law stuffs.

Ekyo ndowooza tuyinza okukivaako netugamba nti omusajja ssi English speaking native. Ate nga mu butuufu abantu aba langi yensusu enjeru balimu amawanga mangi nga buli limu lilina ebyaalyo. Naye yadde nga ebyo buko byaabwe birala, nze bemmanyiko abawera, balina ebyaabwe. Ate ssirowooza nti waliwo family, okujjako erina ebizibu ffulula biswa, abayinza okukukyaawa kubanga omuko omugwiira agudde nyazalawe mu kifuba. Abaganda, oba katugambe nti abayimba Oluganda bateekwa okutegeera nti tulina obuzibu obutumala okutandika okwelimba limba nga kirowoozebwa nti bisanyusa, bwekiba nga kino kyekyaali ekigendereerwa. Nyazala mbu nazirika!! Ne video ssi nnungi nakamu, Ancient leka kujeregereza.

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na swee
Posted by Zoozo - 2008/01/13 15:34

Aren't you guys all missing the point? From where I stand, the man is gay. Anti alya swiiti w'akati ne kyokuleti. :laugh: :laugh: :laugh: :laugh:

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na swee

Posted by omumbejja - 2008/01/14 01:46

Zoozo yongera okutangaaza mu kino olwokuba ekkanzu yagisiba ettaayi oba swiiti owakati gweyali alya naye nze kyemanyi nti emicungwa gisangibwa buli wamu osanga omucungwa gwebandi fumiseemu akati

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na swee

Posted by JeenaJulia - 2008/01/14 11:30

I Think we should always try to give credit where its due naye nga bwebagamba mbu tekiwomela matama abili oba nti one man´s meat can be another one´s poison,ndowoza tukilize buli ndowoza yabuli muntu.Nze ka video nkagadde ela kanyumidde.Oli okugamba nti chocolate na sweet wa kati yakikozesa nga symbol kubanga mubutuffu sweet ne chocolate is not an african stuff,nga temwogedde ku simu ya taata..omusajja temumunenya yee kati maama wa mukyala we yamulabila mu kifananyi kya nyina yenyini eyamufako.olwe ssanyu elingi kwekumugwa mukifuba,kati maama yeki ekyamufulumya nga bali bategedde nti omuko gwebaleta??Anyway sigya kwogela bingi kukino but to me the song and the video are good and an eye opener to u all abategeka okutwala abako bwebatyo e Kyadondo.

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na swee

Posted by Meli - 2008/01/15 13:57

Mu film gyebayita Shooting Dogs, or something like that, ekwata ku kuttingana okwali e Rwanda, mwalimu omukyala eyali akola munnamawulire, eyagenda nasanga awantu webattidde abaana abangi, nagamba nti byeyali alaba byaali tebimwenyamiza nnyo nga byeyalaba e Croatia, kubanga bali baali bazungu, nga bwabalaba nga bafudde akiteka mangu ku bantu be, ne ku yye. Naye nti bano baddugavu, somehow nga kiringa etonnya emitala.

Bwetuba tukola criticism, tugezaako okutegeeza abantu ekigenda mu maaso mu nsi mwetuli. Kirungi okumanya ekiriwo, nosobola okumanya kyoliko nekyoyinza okugendako. Tetwandiyagadde Buganda efuuke nga ensi zino eze bweeru, ewali class ezitasisinkana almost, mpozzi olwa maaso ge nsi. Bwotoyiga nga ggwe bakuleka mu ki class kyababisooto, nga oyisibwa bubi okusinga Omugisu bwayisa atasalwa mbalu.

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by Kasimaggwa - 2008/01/15 16:18

Mulimu n’akazoole ! Corn is grown or imported everywhere and certainly pocketing food is plain corny ! Rule of thumb and comical effect allowed, if it has a western name (Read English) then they know it, guava and beans included!

About "thwiti" and chocolate , surely I would fault the bakko for not attending to the Mukko’s thirst soon enough! Bakko baawa abatasogoola! Bear hug aside all should be thankful that there was no customary cheek kiss! Naye omweyogereeze takusuuza kayanzi kko!

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by JeenaJulia - 2008/01/15 17:08

Kasimaggwa webale kutesa munange,nze ndowoza nti omuko oyo okupakila emisoli munsawo yali tayagala kunyiza banno gyeyakyadde koye wadde sibimanyi kambyetike nabiyigila eyo oba nabikasukila eyo nga tebandaba.Gwe okilowozako otya?

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by Kasimaggwa - 2008/01/15 18:06

Jeenajulia, abazungu kyebatalina ze nsonyi! They call it as they see it, future in-laws or not! They wont shy away from pointing out what they wont eat and by the same token, will eat whatever they fancy, exotic or not. Kasooli nze ndabba baliranwa baange bamusigaako butter ne bamumeketa. Avocado is the basis for the famous Guacamole dip not to mention other fancy facial usage!

You will agree that on first contact, Abazungu will almost exclusively dwell on inquiring about the “foreigner’s” way of life, diet, habitation (Many still believe that we’re tree-top dwellers!) etc. Given such natural curiosity, wouldn’t you rightly expect the Muko to know what to expect? Nebwobeera gwe osooka kubuuza bagenyi kye baziza!

Ekooti nno kale, naye sokisi? Oyo yali asanaamu kibooko kumuloga buwuttuffu!

That would be my take of such a situation were it to occur!

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by rambuka - 2008/01/16 01:28

---

banange oluyimba ndwagaranyo naye omuwandisi waliwwo we yayitawo--kubanga omusajja oyo [omukazi oyo arya bye tulya era ayagara nyo etokke)

ne soya ne ebijjanjaro.

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na swee

Posted by omumbejja - 2008/01/16 02:02

Kasimaggwa nabadde sinakigenderera nti omuko ate yali asuza nekirimi oba kyamukwatira ku thwiti naye ekyokussa ebyokulya mu sokisi kyayitawo yali ayagala kulaga nti bwagenze ebulya ntula naye ajaayo, naye ebyokwagala okusanyusa obuko ngoolya oba okkola byebakola waliwo ebizibu naye baliraanwa bo kasooli tebamufumbako oyo gwebakeketa kiwulikika nga kkamuje akeketa lumonde

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na swee

Posted by Kasimaggwa - 2008/01/16 04:26

Ssebo Omumbejja,

Ensobi yyang! Kasooli bamala kumutokosa ne balyoka bamusaaba butter ne balyooka bemeketera ng’eno butter bwasaanuuka! Kyokka ate waliwo n’amakuungula kwebaliira kasooli ne Lobsters. Kyentegeeza nti okujjako okwewuggusa, byonna ebyaffe babimanyi!

Ate be baluugera nti “When in Rome..” Ebulya mbwa olya mbwa!

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by Mirembe2007 - 2008/01/16 04:42

Nze bwenawulila kuluyimba olwo newunya nnyo okulaba nga nomuwala atutte omussajja ewabwe okumwanjula ngatamulongosezzako kunyambala oba beyamulekela okumuleta ewabwe tebalaba nti etaayi agisibidde kukanzu? nekilala abayimbi bagala nnyo okutuwemula ngabakozesa ebigambo ebisiru switi bamulya wakati oba yali ayagala kuyisawo abazungu byebakola nabakulu batya nnyo okulaba omuko omukombi waswiti wakati mazima bayiyizza nnyo enyimba eziswaza omuko yagenda nemeereye mukoti era nga omuwala akyalaga abakadde omwami gwabaletedde nebyobuwemu bye.Abaganda muleme kutuswaza ngane Kabaka awulila oba ngalaba ebyo muyiye enyimba eziwa obuganda ekitibwa nobutesiitaza baana bato kubuuza bakulu nti switi tulye wakati?

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by JeenaJulia - 2008/01/16 09:08

Okuyiya sikintu kyangu nyoo,ela singa kyali kyangu ndowoza fenna twandibadde bayimbi ate teli kintu kyangu nga kulaba nsobi yamuno,tugeze nga ku basambi bemipiira.Gwe omulabi obela eno nti sala,weleza gundi naye nga bwebakutekayo gwekenyi oyinza nokuvayo nga omupiira togukonye nakko.Awo nvudewo...criticism kintu kilungi nyoo kuba kituyamba okulaba ensobi zaffe,these are two different cultures,the message here with a little bit of exaggeration is that when two or more cultures come together watela okubawo obuzibu zibu,its not always a smooth road all the way naye after nga buli omu ayize ebyamune,embela edda mu nteko.

Bangi muli eyo naye nga oluyimba luno lubakakata ko,lulage kumwana munno omunyonyole ebilimu mukubaganye kubilowozo,tuyinza okwesanga nga ku sunday tufunye yo omukubi we ssimu nga alina kyayogela okufananako eyakuba nasaba akayimba keyayita I WILL WEAR YOU LIKE A COAT.

I AGREE TO DISAGREE.

==========

Re:Omusajja atamanyi bukko, alya chocolate na sweetie

Posted by Meli - 2008/01/16 10:14

Nze nno ndowooza, nti singa abantu abagala okuyimba ebikwata ku bazungu, basooka nebebuuza nnyo, nebatayimba bintu biswaaza ggwanga. Kubanga bwoyimba ebintu ebitalina kekwaaso ku nsonga enkulu mu reality, ate nebibeera promoted ne ggwanga eddamba, waliwo abayinza okukitwala nti ggwanga lyonna lya ba donzie. Ensonga enkulu eyawula abeeru nabaddugavu ssi kulya nabutalya bintu bya njawulo, infact obwo bwonna bulimba. Waliwo ebizibu ebya namaddala, nga okukutwala ku buko bwa beeru abantu nebenyinyala newolinnye. Mukyala wattu oyo, ayimba byeyeyagaliza, byalowoza nti bya waggulu. Tannakwata mikutu, nti kati omulembe omupya gwa buli muntu nowe ggwanga lye, abazungu badiba ddaaa!!! Buli muddugavu wa Africa ategera nti naba Africa abazungu baali babalina mu kidibo, naye nga ababadibya right back. Ne munaffe Kafeero ekyo teyakimanya nga ayimba Nnafuna omwana Womuzungu. Ate ekibi bwebabiyimba ba affecting-a endowooza za abantu, wano walwio abawala abakava e Uganda abalayira nti bbo balina kufuna bazungu. Okwo kukopiwaza ggwanga lyonna, nelibeera nga ki kikonyogo team. Waliwo gyennakyaala ne Mukwano gwange African American mu ba nna Uganda, nebateekako olwa Kafeero ku video, ate newabaawo omuzira kisa najja alumuvvunulira. Yatunula nga banna Uganda be enjoying-a bazina, wabula nga sitegera expression eri ku face ye. Kyennava mugamba nti ebintu bikyaali bizibu. Kko yye, nti nkiraba.

==========